**14th April 2019.**

# OLUNAKU LW'OKUKYALIRWA KWA KABAKA WA BAKABAKA YESU KRISTO.

**Lukka 19:28 – 44.**

Leero, lwe lunaku olukuzibwa ng’olwamatabi mu nzikiriza z’obukristaayo zonna, era n’okusomesebwa kwaffe tugenda kkuwaayo eri obukulu bwalwo, tuveeko mu kusomesebwa kw’omu kitabo ky’Ebyabaleevi mwe twaaleka omuliro nga gukoledde omulundi oguwedde.
Lwaali lukulu nnyo era, kuba lugerwa mu njiri zonna ennya nga bwe tulaba mu Matayo 21:1-11 ; Makko 11:1-11 ; Lukka 19:28 – 44 ; ne Yokaana 12:12 – 19.
N’olw’ekyo amakulu g’alwo mayitirivu obujjuvu bw’ekyagendererwa Mukama Olw’olunaku lw’okukyaalirwa kwa Kabaka wa Bakabaka Yesu Kristo eri ababe kkenyini be yajjira mu bujjuvu bw’ekitiibwa kye ekyaali kimugwaanidde.
Ebikulu bisatu bye tulaba ku lunaku olwo, n’eby’okuyiga byamu:
**1. Enteekateeka ; 2. Ekitiibwa ; 3. Endabula.**
Tujja bifunira mu byawandiikibwa Lukka, mu njiri ye essuula 19:28 - 44, tubikwasaganye n’ebyawandikibwa bya Matayo, Makko ne Yokaana ku lunaku lw’elumu. *[ Ssoma]*.

## 1. Enteekateeka.

Nga bwe kibeera ku buli mukolo ogw’ekitiibwa eri abantu, nti wabaawo enteekateeka ezigugwaanye nga bwe twalaba ku matikkira ga bakabaka b’omu ggwanga lyaffe ow’Abaganda, ssaako n’ow’Abatooro, oba n’Abasoga, n’embaga zonna bwe zityo ziteekerwateekerwa bukwakku okusobola oggiweesa ekitiibwa.
Okusooka tulaba entuuko z’ekiseera – olunaku n’ebiro:
Yava e Yerico ng’ebula ennaku mukaaga okutuuka ku lunaku lw’amajaguza g’okuyitako, kwe baasaddaakiranga endiga mu Yekaalu mu kusinza Mukama okujjukira obulokozi bwabwe okuva mu Misiri. Era ng’adda e Yerusaalemi yawummulirako e Bessaniya mu mikwano gye Lazaalo, Malita ne Mariya eya musiiga amafuta ag’omuwendo omungi Yesu geyagamba nti kwaali kumutegekera lunaku lw’okuziikibwa kwe, mu Yokaana 12.

Yerusaalemi kye kyaalina okuba ekibuga gyagenda, kubanga ssaddaaka gye zaawebwangayo eri Mukama mu kumusinza, era ekiseera kyaalina kuba ekyo mu nnaku ez'okuyitako okwo kw'ennyini okw'omu 30, emyaaka 483 okuva ku kulanga kwa Danyeri mu ssuula 9:24 – 27, nti mu myaka 69 emirundi 7, gye 483, Masiya alisalwaako ku bantu be. N'olw'ekyo Yesu yamanya entuuko z'obudde ne yeeteekateeka okutuukiriza okwagala kwa Mukama Katonda, ekyaali kikakasa obw'akatonda bwe n'obuyinza bwe eri ebiro byonna, kubanga bino byaali byalangwa emyaaka nga 500 emabega!

Eky'okubiri kye tulaba mu nteekateeka, y'enfuna y'endogoyi, Matayo mwatukakasiza nti gwaali mwana gwandogoyi ogwaali tegweebagalwangako muntu ogwaaleeterwa Yesu wamu ne nnyina gwaayo, okutuukiriza obunabbi bwa Zekkaliya 9:9 nti "Sanyuka nnyo ggwe omuwala wa Sayuuni: leekaana nnyo, ggwe omuwala wa Yerusaalemi; laba, kabaka wo ajja gy'oli; mutuukirivu era muwanguzi; muwombeefu era yeebagadde endogoyi, endogoyi ento, omwana gw'endogoyi."

Mu byombi bino twongera okkakasa obukulu bw'ekitiibwa ky'olunaku luno Mukama kwe yeegulumiza mu Yesu Kristo, mu nteekateeka zaalwo.

Eky'endogoyi etakozesebwangako muntu yenna ky'eyungira mu nsonga ey'okubiri enkulu gye tulaba ku lunaku luno: **2.Ey'ekitiibwa ekyamuweebwa.**

Teyajja nga Kabaka ajja okufuga amatwaale ge ku mbalaasi, wabula ng'azze okuleeta emirembe mu kweefaananyiriza Kabaka Daudi ne mutabani we Sulemaani ku Matikkira gaabwe mu Bassekabaka I 1:33…… N'olw'ekyo mu kwetegereza kaali kabonero kkennyini k'ekitiibwa ky'omwana wa Daudi eyaweebwa endagaano y'obufuzi obw'olubeerera eri Sayuuni ekibuga kya Mukama Yerusaalemi ekivvuunulwa " Ekibuga ky'emirembe."

Abayigirizwa ba Yesu n'ekibiina kyonna abaali badda e Yerusaalemi ku luguudo olwo baalirira engoye zaabwe eri Yesu mu ngeri y'okwoolesa nti baali wansi w'ebigere bye era n'ebaalirira amakoola okwoolesa nti ye yali Mukama w'ebitonde byonna, okwo nga kw'otadde okuleekaanira waggulu Matayo kwagamba mu ssuula 21 nti "Ozaana eri omwana wa Dawudi. Aweereddwa omukisa ajja mu linnya lya Mukama: Ozaana waggulu mu ggulu!"

Nga bamusinza ng'oyo ajja mu buyinza bwa Katonda w'eggulu, okubawonya mu kiseera ekyo, Makko kwayongereza mu ssuula 11 nti baaleekanira waggulu nti;

“Ozaana!" "Atenderezebwe oyo ajja mu linnya lya Mukama!" “Atenderezebwe olw’okukomyawo obwakabaka bwa jjajjaffe Dawudi n’okubuwa omukisa!" "Ozaana! Ayi ali waggulu ennyo!"
Ne Yokaana kyagamba mu ssuula 12, nti baali boogerera waggulu nti “Ozaana." "Aweereddwa omukisa ajja mu linnya lya Mukama." "Ye Kabaka wa Isirayiri." . Bw’oteebereza nti abayigirizwa be baali bakulembera endeekaano, buli omu kyava aba n’endeekaano ze, naye ng’ate zonna zaali zikwasaganya ne Zabbuli 118 eya Masiya gye tujja okumaliriza nayo leero mu kubeegattako mu mwoyo gwe gumu.
Wabula kino kyanyiiza nnyo abafalisaayo, abaagamba Yesu mu Lukka 19:39 abakugire okuleekana bwebatyo, nga bwe tumanyi nti ku luno lwokka Yesu lwe yakkiriza abayigirizwa be okumutendereza bukya atandika buweereza bwe emyaka esatu emabega, kubanga yali amanyi nti kyaali kiyinza okumulemya okutuukiriza okuyitibwa kwe okufa nga bwe kimugwaanidde okwewaayo nga ssaddaaka mu ntuuko z’ebiro ebikigwaanidde, naye olw’okuba yali mumalirivu teyabakugira ku luno, era wadde Abafalisaayo baali beetegese mutta oluvanyuma lw’emikolo gy’okuyitako beesanga bakikoze ku lunaku lwennyini!
Ebikakasa nti ekitiibwa kye lwe kyaalina ommuweebwa kyamuweebwa mu bujjuvu kw’olwo, okkakasa obwakatonda bwe n’obwa Masiya bwe, wadde abaali babikola bandiba nga baali tebabitegeeza nga Yokaana bwagamba mu ssuula 12:16 nti “Ebyo abayigirizwa be tebaabitegeera olubereberye: naye Yesu bwe yamala okugulumizibwa, ne balyoka bajjukira ng'ebyo byamuwandiikwako, era nga baamukola bwe batyo.”

Ensonga ey’okusatu enkulu gye tulaba ewandiikibwaako Lukka yekka ye:

**3. Y’okulabula kw’okusalwaako omusango.**

Mu kwanukula Abafalisaayo abaali bamugamba okkugira abayigirizwa be mu lunnyiriri 40 abagamba nti “Abo bwe banaasirika, amayinja ganaayogerera waggulu.” Kyennyini ekyaabaawo mu myaka AD70, Yerusaalemi bwe yazikirizibwa Abaruumi, Yeekaalu n’eyokywa, buli jjinja lyaayo ne lijjibwa ku linnewaalyo nga Yesu bwe yali alabudde abayigirizzwa be, oluvannyuma lw’Abayudaaya okugaana okukkiriza obujulirwa bw’Omwoyo Omutukuvu gye bali mu batume ba Yesu Kristo. Bwegatyo bwe gaaleekaanira waggulu nti “mukimanye nti Yesu Kristo gwe mugwaanidde okusinza sso ssi Yeekaalu n’obulombolombo bw’amateeka ga Musa!”

Era bwe yasembera okumpi n'ekibuga n'akikaabira mu lunnyiriri 42 – 44*[Soma]*.
Ekitaakwaatagana na mbeera y'emyoleso, kubanga mu butuufu ye yali amanyi ekyaali kimujjira mu nnaku ntono nnyo, kyokka ate ng'abaali bakigwaanidde okkiganyulwaamu okusingira ddala, tebaakisiima mu butuufu, era ekyo kikaabya!
Nga bwe tumanyi byonna byaaliwo nga bwe yayogera kw'olwo, ng'obunnabi obuweerako bwe bwaali bulanze, okkakasa obuyinza bw'obwakabaka bwe okusala omusango ne guba nga bwaasaze.

Olugero lw'olunaku lwaaleero lutuyigiriza bingi, nga bw'enkiwa Omwoyo Omutuukirivu atulumirizza buli omu okusiinziiira mu bwetaavu bwe, naye mu byonna kitugwaanidde okkakasaa nti lwaliwo otuteekeratekera okussaddaakibwa okusembayo Kw'endiga ya Mukama eyasasulira omutango gw'ebibi by'abantu bonna, Bayudaaya, Basamaliya, ne Bannamawanga, lubeerera. Mukama Yeebazibwe, kubanga kye kyaatuwonya okufa n'okuzikirira.
Tugwaanidde n'okutwaala ng'ekikulu okulabula kwa Mukama gye tuli obutafiirwa kukyaalirwa kwaffe kwa Yesu Kristo mu njiri y'obulokozi bwe nga Abaebbulaniya 3:12 – 15 bwe zitulabula nti .......
Kubanga Yokaana mu 1:10 -12 agamba nti "Kyokka newaakubadde Kigambo oyo ye yatonda ensi, bwe yajja mu nsi, ensi teyamutegeera. Yajja eri abantu be, naye abantu be ne batamusembeza. Naye bonna abaamusembeza, yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda; be bo abakkiriza erinnya lye.."

Mu kibiina ekyaali ku mwoleso gw'olunaku olwo mwalimu abaali nfa nfe be, abaamukkiririzaamu ne mu butamanya bwaabwe, ne mubaamu ba twaala tugende abajjanga okulaba ebyamagero n'okubilya, ne mubaamu bannanfuusi era abaamulyaamu olukwe, ne mubaamu n'abalabe be nnakinku abamutta gye bweyongerayo, ne kaakano mukubeerawo kwe,…. teebereza ttuluba kki ly'olimu kw'ebyo, weetereeze ogganyulwa mu biro bye eby'ekisa kye ekingi gyetuli! …